**20th November 2016.**

# SSEKALOOTERA ATAAFA N'ATUUKA KU BYENGERA.

**Lubereberye 40,41.**

Amakya ga leero tuddizibwaayo mu lutugerera ku bwe byaali eri Yusufu, mutabani wa Isirayiri omwagalwa. Gwe twaaleka ateekeddwa mu kkomera oluvannyuma lwa muka mukama we ommuwaayiriza okwagala ommusobyaako, nga bwe twaalaba mu ssuula 39. Ekiteeberezeka nti osanga mukama we teyakkiririrza nnyo mu bigambo bya mukazi we, kwe kusiba obusibi Yusufu okusinga okumussa ku kalabba, naye tulaba nga Yusufu yeeyongera okuganja ne mu kkomera gye yateekwa olw'okuba omukozi omulungi era ow'obuvunaanyizibwa, n'akuzibwa okulabirira abasibe n'ekkomera ng'aliko omukisa gwa Mukama.

We tweyongerera mu ssuula yaffe ey'anna nti……..[Tusoma].
Tulaba nga Yusufu wadde naye teyali mu mbeera eyeeyagaza tekyamulobera kufa ku basibe banne……Ababuuzaako ng'afaayo gyebali. Okufa ku banno naddala ab'oluganda kirungi era kya bwakatonda.

Yabavvuunulira ebirooto byabwe nga yeesiga okubikkulirwa kwa Mukama Katonda, era nga mu nnaku ssatu zokka obukakafu bw'obutuufu bw'okuvvuunula kwe bwaali bwa kukakasibwa, era bwe kyaali.
Eky'akabi nti era yeelabirwa omusenero, n'atajjukirwa…. Okwaali okugezesebwa era eri Yusufu, nti oba abaana b'abantu beelabira, ne Mukama yamweerabira?
Nga bwe tulaba mu ssuuula eddako, Mukama yali tamweelabidde, wabula yali ategese entuuko z'okutuukirizibwa kw'okwagala kwe gyaali. Naffe weewaawo ekituzzaamu amanyi bwe tuba ng'abeerabiddwa olw'embeera enkakali ottulwaako.

Mu ssuula ey'anamw'emu, tulaba ebirooto ebirala ate ebyaaleetera Yusufu okujjukirwa ate n'atuukirizibwa ebirooto bye……[Tusome nga bwe twetegereza]

Mu kujjukira ebirooto Yusufu bye yalina ebyaatubuulirwa mu ssuula 37, tulaba nga bitandise okutuukirizibwa oluvannyuma lw'emyaka 13 egyaali emizibu ennyo gyaali, ate nga mu byonna kwalinga okuzikiriza kwabyo mu buli kusoomoozebwa mwe yayisibwa.

Naye gyebiggweera tukakasa nti Mukama bw'akuwa ekirooto kirina okutuukirizibwa. Era kiba kisaanira kukyeetegekera n'essuubi n'okukkiriza ebinyweeza obutuukirivu bwe gyetuli mu mugulumiza mu mbeera zaffe zonna mu biro byonna.

Ekirala ebirooto ddala galinga amadirisa mu nsi y'omwooyo ottumanyisa embeera z'obulamu bwaffe mu buliwo oba ne mu buggya. N'olw'ekyo kirungi ne tufaayo kw'ebyo bye tuloota, ne tusaba Mukama atuwe okuvvuunulwa kwabyo okuba nti tuweebwa amagezi okweetereeza oba okweekuuma nga bwe kiba kisaana mu bweetaavu gyetuli….

Ky'ensinga okulumirizibwa mu musomo gwaffe leero kwe kuyigirizibwa nga Yakobo 1:2-5, bwe zigamba……..
Singa Yusufu yayambwa omusenero n'aggibwa mu kkomera emyaka ebiri nga Falawo ttanaloota osanga y'andizziddwaayo ewa kitaawe era oluvannyuma tetwandyagadde nakwagala kumanya ebyandidiridde..
Naye mu kaseera Mukama ke yategeka lwe yajjukirwa, n'atumwa era n'ayolesa amagezi n'obuvunaanyizibwa obwamuweesa ekifo ky'obukulembeze mu misiri ow'okubiri ku Falawo, ate ekinaamuyambisa okusobola okuyamba baganda be okuba obulungi gye buggya.